

# **The Human Rights Centre Uganda**

Olukiiko Olw'Amawanga Amagatte kye Lwayisa 53/144 ( 8/03/1999)

## **Ekirangiriyo ky'Amawanga Amagatte ku Balwanirizi b'Eddembe ly'Abantu**

---

**EKIRANGIRIRO KU DDEMBE N'OBUVUNAANYIZIBWA  
EBY'ABANTU KINNOOMU, N'EBIBIINA OKUTUMBULA  
N'OKUKUUMA EDDEMBE LY'OBUNTU N'OKWETAAYA  
KWABWE OKW'OBWEBANGE**

**EBIKKIRIZIBWA MU NSI YONNA**

Luganda



**TROCAIRE**  
Working for a Just World

Olukiiko Olw'Amawanga Amagatte kye Lwayisa 53/144 ( 8/03/1999)

# **Ekirangiriro ky'Amawanga Amagatte ku Balwanirizi b'Eddembe ly'Abantu**

---

**EKIRANGIRIRO KU DDEMBE N'OBUVUNAANYIZIBWA  
EBY'ABANTU KINNOOMU, N'EBIBIINA OKUTUMBULA  
N'OKUKUUMA EDDEMBE LY'OBUNTU N'OKWETAAYA  
KWABWE OKW'OBWEBANGE**

## **EBIKKIRIZIBWA MU NSI YONNA**

### **Obuyinza bw'obwannannyini 2009**

Ekitabo kino kyawandiikibwa ku lw'Abalwanirizi b'eddembe ly'Abantu era Kiyinza okujulirwa oba okukoppebwa, omuntu alina by'akozesezza mu kyo kasita alaga gy'abiggye era n'abawandiisi baabyo.



Plot 3327 (A) Kateeba Close  
Off Kironde Road, Muyenga  
P. O. Box 25638, Kampala-Uganda  
Telephone: +256 414 266186  
E-mail: hrcug@hrcug.org  
Website: [www.hrcug.org](http://www.hrcug.org)



## EBYENYANJULA

Enteekateeka eno yatandikibwa ab'ekibiina kya Human Rights Centre Uganda nga bafuna obuyambi bw'ensimbi okuva mu TROCAIRE okujumbira enkola y'abalwanirira eddembe ly'obuntu mu Uganda nga bayita mu kutangaaza ensonga eno. Ekimu ku bisinga okulemesa abalwanirira eddembe ly'obuntu nabantu ablala bonna ababulijjo okukakalabya emirimo gyabwe bwe butabaawo bya kumanya ebikwata kumulamwa guno mpozzi n'ebikozesebwa ebyaliyaambye mukulinyisa omutindo okukuma nokussa ekitiibwa mu ddembe lyobuntu eryabulimuntu okutwaliza awamu era nokuyamba abalwanirirzi beddembe buli kinoomu okukola emirimu gyaabwe awatali kutya.

Nolwensonga eyo aba Human Rights Centre Uganda, bavvuunudde **Ekirangiriro ky'Ekibiina ky'Amawanga Amagatte** ekikwaata ku **Balwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu** mu nnimi tano enkulu nga mwe muli Oluteeso, Oluswayiri, Oluganda, Olujaluwo (olw'Abacooli n'Abalango) n'Olunyakitala (Olunyankole, Olukiga n'Olunyoro-lutooro) Ekigendererwa ekikulu mukuvvuunula ekirangiriro kino kwe kusoboseza abantu okumanya n'okusaasaanya ekiragiro kino **eky'Amawanga Amagatte** ku **Balwanirizi b'Eddembe ly'Obuntu** kinoomu nokutwalira awamu, era mubitundu bya Uganda byonna.



Ekirangiriro kino mu nnimi ezenjawulo kisuubirwa okugumya n'okunyweeza abalwanirira eddembe ly'obuntu mu byebasanidde okukola nga bakakalabya emirimo gyaabwe. Era kisuubirwa nti ekirangiriro kino mu nnimi ezenjawulo kijja kuba kyamugaso mukutangaaza kisi kinoomu eyandyagade okutukiriza omulamwa gw'okukuuma n'okugaziya enkola eno mu Uganda.

## Enyanjula

Nga 9 Decemba 1998, Ekibiina ky'Amawanga Amagatte kyatongoza era nekirangirira **Edembe n'Obuvananyizibwa bw'Omuntu**, Ebibiina n'Ebitongole Ebirwanirira n'Okukuumma eddembe ly'obuntu Ery'obwebange mu mawanga gonna, ekiwandiiko mpozi ekimanyiddwa nga '**Ekirangiriro ky'Abalwanirira Eddembe ly'Obuntu.**'

Ekirangiriro kino kubwakyo si kyateeka wabula mukyo mwemuli emitendera egiyinza okuyitibwamu okumanya n'okutegeera eddembe ly'omuntu kye ki mu mateeka nga bwe bisangibwa mu mateeka g'ensi yonna. Emitendera gino gye giyitibwamu okuwa amaanyi, obukuumi nobusobozi eri abalwanirizi b'Eddembe Ly'Obuntu nga bakola emirimu gyaabwe.

Ekirangiro kino kikubiriza omuntu okumanya eddembel'e ery'obwebange nga, eddembel'e ebibiina, eddembe ly'okukungaana, eddembe ly'okwogera n'okumanyisa abalala, eddembe ery'okufuna n'okusasaanya eby'amawulire, nebirala.

Emyaka kati giyise kumi nagumu bukya Ekirangiro kinokiyisibwa, nayekyanakuntibangitebakimanyiiko, yadde munsi yaffe, Uganda. Nolwekyo tukubirizibwa okukimanyisa abantu, naddala abali mubifo eby'obuvunanyizibwa, nga Gavumenti, n'ebitongole ebirwanirira eddembe ly'obuntu.



Ekigendererwa ky'ekibiina kya 'Human Rights Centre Uganda' mu kukyusa ekirangiriro kino munnumi ezenjawulo kwe kuyamba Abalwanirira Eddembe ly'Obuntu nabantu bona okukisaasanya mabantu, naddala abebitongole eby'obuvunnanyizibwa nabalala bona kisobozese abalwanirira eddembe ly'obuntu okukola emirimu gyabwe mu ddembe.

N'olwensonga eno ekivvuunulo kino kikozesebwe abantu bona nga ki bayamba okukuma n'okumanyisa eddembe ly'obuntu munfunda zonna mpozzi era kiryoche kisoboseze abantu okutegeera, okusaasanya, n'okukuma eddembe lino munsi yaffe Uganda.



## **EKIRANGIRIRO KU DDEMBE**

**N'OBUVUNAANYIZIBWA EBY'ABANTU  
KINNOOMU N'EBIBIINA OKUTUMBULA  
N'OKUKUUMA EDDEMBE  
LY'OBUNTU N'OKWETAAYA KWABWE  
OKW'OBWEBANGE**

## **EBIKKIRIZIBWA MU NSI YONNA**

*Ekiteeso ky'Olukiiko lwa Bonna 53/144 (8.03. 1999)*

*Olukiiko Lw'Amawanga Amagatte,*

*Lwaddamu okukakasa obukulu bw'okukuuma ebigendererwa era n'amateeka g'Ekiwandiiko ky'Amawanga Amagatte, ku kutumbula n'okukuuma eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, ebiteekwa okuweebwa abantubonna mu mawanga gonna agali ku nsi,*

*Lwekkaanya ebyayisibwa Akakiiko k'eddemebe ly'Abantu 1998/7 aka Apuli (Kafumulampawu) 3, 1998. Laba Ebiwandiiko Ebitongole eby'olukiiko lw'Ebyenfuna n'Embeera z'Abantu, Sebuttemba 1998, Ennyongereza No. 3 (E/ 1998/23),*

omutwe II, akatundu A. Mu kyo, Akakiiko kaakakasa ebiambo by'ebbago ly'ekirangiriro ku



ddembe n'obuvunaanyizibwa bw'abantu, kinoomu era n'ebibiina, okutumbula n'okukuumma eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, ebimanyiddwa mu nsi yonna.

*Era lwekkaanya ebyayisibwa olukiiko lw'Ebyenfuna n'Embeera z'Abantu 1998/33 olwatuula nga 30 Julaayi (Kasambula) 1998, ne lusemba ebbago ly'ekirangiriro liyisibwe Olukiiko lw'Amawanga Amagatte.*

*Nga lumanyi bwe kyali ekikulu okuyisa ebbago eryo mu kujjukira nga bwe gyali giweze emyaka amakumi ataano bukyanga kirangiriro kya nsi yonna ku Ddembe ly'Abantu kiyisibwa, Ekyasalibwawo mukatundu 217A (III),*

kyelwava:

1. *Lukkiriza Ekirangiriro ku Ddembe n'Obuvunannyizibwa eby'abantu kinoomu n'ebibiina Okutumbula n'Okukuumma Eddembe ly'Obuntu erimanyiddwa mu Nsi yonna, nga kiyungiddwa ku kiyisiddwa eky'omulundi guno.*
2. *Lukubiriza Zigavumenti n'ebibiina by'Amawanga Amagatte, n'ebibiina bya zigavumenti, ko n'ebitali bya gavumenti, okwongeramu amaanyi okubunyisa Ekirangiriro kino, era n'okulaba nti kitegeerwa bulungi, era kissibwamu ekitiibwa mu nsi yonna. Era lusaba Ssaabawandiisi*



w'Amawanga Amagatte, ebikirimu abiteeke mu kiwandiiko ky'anaddako okufulumya ku Ddembe ly'Obuntu, ekiyitibwa Ekkuŋjaanyizo ly'Amateeka mu nsi yonna.

Olutuula Olujuvu olwe 85, 9/12/ 1998.



## EKIGATTIDDWAKO

**EKIRANGIRIRO KU DDEMBE  
N'OBUVUNAANYIZIBWA OBW'ABANTU  
KINNOMU N'EBIBIINA OKUTUMBULA  
N'OKUKUUMA EDDEMBE  
LY'OBUNTU N'OKWETAAYA KWABWE  
OKW'OBWEBANGE EBIMANYIDDWA MU  
NSI YONNA**

*Olukiiko Lw'Amawanga Amagatte,*

*Nga luddamu okukakasa obukulu bw'okukuuma ebigendererwa era n'amateeka eby'Ekiwandiiko ky'Amawanga Amagatte ku kutumbula n'okukuuma eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange mu mawanga gonna ku nsi,*

*Nga luddamu era okukakasa obukulu bw'Ekirangiriro ky'Ensi Yonna ku Ddembe ly'Abantu n'Endagaano z'Ensi Yonna ku kyayisibwa ku Ddembe ly'Abantu ekyo 2200A (XXI), ekyagattibwako, nga obutundu obusookerwako amawanga amangi mu kufuba okutumbula mu nsi yonna omwoyo gw'okussaamu ekitiibwa n'okukuuma eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, era n'obukulu bw'ebirala byonna ebikozesewa ku ddembe ly'abantu, ebyayingizibwa mu nkola y'Amawanga Amagatte, awamu n'ebyo ebiri ku mutindo gwa buli kitundu,*

*Nga luggumiza nti bammemba ab'amawanga amagatte, bona awamu, era buli bamu ku bwabwe, banaatuukirizanga obuvunaanyizibwa bwabwe bwe beeyamye, okutumbula eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, n'okukubiriza bona okubissaamu ekitiibwa, awatali kwawulayawula okwesigamizibwa ku luse lw'abantu, langi, okuba omusajja oba omukazi, olulimi olwogerwa, eddiini, endowooza y'ebyobufuzi oba endala yonna, eggwanga oba embeera omuntu mw'asibuka, obugagga, obuzaale oba eddaala lyonna omuntu ly'aliko, era nga luddamu okukakasa naddala obukulu bw'okutuuka ku nkolagana yawamu ey'amawanga amagatte okutuukiriza obuvunaanyizibwa buno, nga bwe buli mu Kiwandiiko ekifuga Amawanga Amagatte,*

*Nga lukkiriza obukulu bw'okukolaganira awamu okw'amawanga amagatte, n'omugaso gw'ebikolebwa abantu kinnoomu era n'ebibiina, mu kumalirawo ddala okutyoboola eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, n'abantu kinnomu nga kw'otadde n'okutwalirwa awamu ekirindi, okutyoboola okw'entiisa era okutegeke, nga okwo okuva mu busosoze bwa langi, obusosoze bwonna obw'endyo z'abantu, obufuzi bw'amatwale, okufugibwa oba okumaamirwa abagwira, obulumbaganyi n'okutiisatiisa obwetwaze bw'eggwanga oba okwegatta kwalyo, oba okukuuma ebitundu byalyo, era n'okuva mu butakkiriza bantu kuba na ddembe lya bwetwaze, era n'okugaana abantu*



okuba n'eddemebe okwesalirawo mu bujuvu ku nkозesa y'ebintu byabwe era n'obugagga bwabwe nga bwe baagala,

*Nga lutegeera* nga bwe waliwo oluganda wakati w'emirembe gy'amawanga amagatte n'okwerinda, era n'okweyalira mu ddembe ly'abantu wamu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, era nga terwerabidde nti obutabaawo mirembe na kwerinda, tekifuuka kyekwaso kya butawa bantu ddembe lyabwe,

*Nga luddijjana* nti eddembe lyonna ery'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, bya nsi yonna, tebigabanyizibwamu, bigendera wamu, era birina oluganda olubigatta, era biteekwa okuteekewa mu nkola mu ngeri entuufu era ey'obwenkanya awatali kukontana na ddembe era na kwetaaya kwa bantu balala.

*Nga luggumiza* nti Gavumenti y'eggwanga y'esookera ddala okuba n'obuvunaanyizibwa era n'omulimu okutumbula era n'okukuuma eddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange,

*Nga lukkiriza* nti ddembe na buvunaanyizibwa bwa bantu kinnoomu, era na bibiina, okulaba nti eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange bissibwamu ekitiibwa, era bimanyibwa ku mutindo gwa buli ggwanga era n'ogw'ensi yonna,



*Lulangirira nti:*

## Akatundu 1

Buli muntu alina eddembe, nga kinnoomu, era nga yeegasse n'abalala, okutumbula era n'okufuba okukuumma, n'okulaba nti eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, bissibwa mu nkola ku mutindo gw'eggwanga, n'ogw'amawanga gonna.

## Akatundu 2

1. Buli Gavumenti y'eggwanga y'esookerwako okuba n'obuvunaanyizibwa era n'omulimu ogw'okukuumma n'okutumbula eddembe lyonna ery'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, omuli n'okukwata amakubo gonna agayinza okuyambaokuteekawoembeerazonnaezeetaagibwa mu mbeera z'abantu, mu byenfunu, mu byobufuzi ne mu birala byonna, n'okuteekawo amateeka ageetaagibwa okukakasa nti bona Gavumenti eyo b'etwala, abantu kinnoomu, n'abeegasse n'abalala, basabolera ddala okusanyukira mu ddembe eryo era ne mu kwetaaya kwabwe okw'obwebange.
2. Buli Gavumenti y'eggwanga eneekolanga amateeka, n'eba n'enfuga era n'amakubo amalala agayinza okwetaagibwa okukakasa nti eddembe n'okwetaaya okw'obwebange ebyogerwako mu Kirangiriro kino, ddala bibeerawo.



## Akatundu 3

Amatteeka (mu Ggwanga) agakwanyiziddwa n'Ekiwandiiko Eky'Amawanga Amagatte, ko n'obuvunaanyizibwa obulala obwa Gavumenti eri amawanga amangi mu bigambo by'eddeme ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, gwe musingi okunaalamulirwanga engeri eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange gye binaatekebwanga mu nkola ne byeyagalirwamu. Era amatteka ago ge ganaagobererwanga mu bikolebwa byonna okutumbula n'okukuma era n'okwetaaya, ebyogerwako mu Kirangiriro kino.

## Akatundu 4

Mu kirangiriro kino, tewali kintu na kimu kijja kutaputibwa nti kigaana oba kiwakanya ebigendererwa era n'amateeka g'Ekiwandiiko ekifuga Amawanga Amagatte, oba nti kikugira oba kiggyawo ebiri mu Kirangiriro Eky'Ensi Yonna ku Ddembe ly'Abantu, ne mu Ndagaano z'Amawanga Amagatte ku Ddembe ly'obuntu, ne mu birala ebilunjjamwa n'ebyetemwa amawanga amagatte ku nsong a eno.

## Akatundu 5

Olw'okutumbula n'okukuma eddembe ly'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe era n'okwegatta n'abalala, ku mutindo gw'eggwanga erimu n'ogw'amawanga amangi:



- c) Okusisinkana n'okubeera n'abalala mu mirembe.
- d) Okuteekawo, okwetyunga n'okwetaba mu bibiina ebitali bya Gavumenti.
- e) Okuwuliziganya n'ebibiina ebitali bya Gavumenti oba n'ebibiina ebya zigavumenti ennyingi.

## Akatundu 6

Buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe, era awamu n'abalala:

- a) Okumanya n'okunoonya, n'okuweebwa n'okufuna, n'okukuuma amawulire agafa ku ddembe lyonna ery'abantu n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, nga kw'otadde n'okukkirizibwa okumanya eddembe eryo era n'okwetaaya nga bwe bitekeebwa munkola mu mateeka g'ensi mw'ali, mu kusala emisango oba ne mu nzirukanya y'emirimugya gavumenti.
- b) Obutakugirwa kufulumya na kubunya oba kusaasaanya mu balala ndowooza, n'amawulire era n'okumanya ebifa ku ddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, nga bwe birambikibwa ku bikwata ku ddembe ly'obuntu n'ebirala ebilunjjamya mu mawanga amangi.
- c) Okwekenneenya, n'okukubaganya ebirowozo, ku kukuuma n'okussa mu nkola eddembe lyonna ery'abantu, era n'okuyita mu makubo amalala amatuuufu, okukunga abantu bonne okussa omwoyo kunsonga zino.



## Akatundu 7

Buli muntu alina eddembe, ye ku kubwe, era awamu n'abalala, okukulaakulanya amateeka era n'ebirowozo ebipyebikwata ku ddembe ly'abantu n'okubikubaganayaakoebirowoozo, eran'okubiyimbirira bikkirizibwe.

## Akatundu 8

1. Buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe era awamu n'abalala okwenyigira mu nfuga y'eggwanga lye, n'okwetaba mu bikolebwa ebyalukale awatali kusosolwa kwonna, mungeri ematiza.
2. Ekyo wagulu kizingiram, omuntu okuba n'eddeme, ye ku bubwe, oba awamu n'abalala, okuwaayo okwemulugunya kwe, n'ebirowoozo bye, eri ebitongole bya Gavumenti, n'ebibiina byayo ebikola ku mirimu egylukale ng'agenderera okutumbula enkola yaabyo, era n'okuwabula ku ngeri yonna ekwata ku mulimu gwabyo, eyinza okuziyiza oba okugootaanya okutumbula n'okukuumu era n'okuteeka mu nkola eddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange.

## Akatundu 9

1. Mu kussa mu nkola eddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, nga kw'otadde n'okubitumbula era n'okubikuumu nga bwe kwogeddwako mu Kirangiro kino, buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe, era awamu



n'abalala, okuganyulwa n'okuwerezebwa mungeri ematiza ebikolebwa okulongoosa embeera, era alina eddembe okukuumibwa nga wabaddewo okutyoboola eddembe eryo.

2. Oktuuka ku kino, buli a lowoozebwa okuba nti atyobooleddwa eddembe lye oba okwetaaya kwe, alina eddembe, oba ye yennyini oba ng'ayita mu bamukiikirira abakkirizibwa mu mateeka, okwemulugunya, n'okulaba nga okwemulugunya kweokwokuwlirwamangu mulujjuddemu maaso g'omulamuzi eyeetongodde, atalina kyekubiira era alina obusobozi, oba mu maaso g'omulala ow'obuyinza eyateekewawo mu mateeka. Bw'atyo eyeemulugunya alina okuweebwa ensala okuva ew'oyo alina obuyinza, ng'egoberera amateeka, ng'emugonjoolera w'aba atyobooleddwa eddembe lye oba okwetaaya kwe, okwo ssaako okulaba nti ekisaliddwawo kimukolerwa awatali kulwisibwa okutasaanidde.
3. Era okufuna ekyo kye kimu, buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe, era wamu n'abalala,
  - a) Okwemulugunyiza enteekateeka era n'ebikolwa by'abakungu kinnoomu era n'eb'y'ebitongole bya Gavumenti ku nsonga ezikwatagana n'okutyoboola eddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, nga okwemulugunya okwo kukolebwa mu kusaba okuwandiike, oba mu ngeri endala entuufu, ne kuweebwa alina obuyinza okusala emisango,



- okufuga oba okulabirira ekitundu ekkyo, oba omulala yenna alina obuyinza eyateekebwawo enkola y'amateeka mu ggwanga. Abo bateekwa okuwa ensala yaabwe ku kwemulugunya okwo, nga bakikola awatali kulwa kutasaanidde.
- b) Okubeerangawo mu kuwozesha n'okusala emisango okukolebwa mu lujjudde, okusobola okufuna endowooza ekwanaganya emisango egyo n'amateeka g'eggwanga, n'engeri gye giramulwamu nga bateeka mu nkola obuvunaanyizibwa era n'obweyamo bw'amawanga amangi.
- c) Okufunira era n'okuwaayo obuyambi obwekikugu mu mateeka, oba amagezi n'obuyambi obulala obw'omugaso mu kulwanirira eddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange.
4. Okusobola okufuna ekkyo kye kimu, era mu kugoberera engeri ekozesebwa mu mawanga amangi, buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe era awamu n'abalala, okutuukirira era n'okuwuliziganya n'ebitongole by'amawanga amagatte ebirina obusobozi obwabulijjo oba obwenjawulo okufuna n'okukola ku nsong'a z'eddemebe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, nga teri amukuba kumukono.
5. Gavumenti y'eggwanga eneeteekangawo okunoonyereza okw'amangu era okutaliimu kyekubiira, oba eneekakasanga nti wabeerawo



okubuuliriza buli lwe wabaawo ensonga entuufu kw'esinziira okulowooza nti okutyoboola eddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange kubaddewo mu kitundu kyayo kyonna ky'etwala.

## Akatundu 10

Tewali n'omu, mu kukola oba mu butakola we kiba kyetaagibwa, ajjanga kukkirizibwa kwetaba mu kutyoboola ddembe lya bantu na kwetaaya kwabwe okw'obwebange, era tewali n'omu ajjanga kubonerezebwa oba okukolwako ekimulumya eky'engeri yonna ng'agaanye okutyoboola eddembe eryo.

## Akatundu 11

Buli omu alina eddembe, ye ku bubwe era awamu n'abalala, okukola omulimu gwe oba okutuukiriza obukugu bwe, ng'agoberera amateeka. Buli muntu, mu kutuukiriza omulimu gwe, bw'aba ayinza okubaako ky'akola ku kitiibwa ky'abantu abalala, oba ku ddembe lyabwe oba ku kwetaaya kwabwe okw'obwebange, ateekwa okussaamu ekitiibwa eddembe eryo era n'okwetaaya okwo. Era ateekwa okugoberera omutindo ogwateekebwawo mu nsi ye, ne mu mawanga amangi, ogw'okutuukiriza empisa n'obulombolombo bw'enkola y'emirimu.

## Akatundu 12

Buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe era awamu n'abalala, okwetaba mu bikolebwa mu mirembe okulwanyisa okutyoboola eddembe ly'abantu era



n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange.

1. Gavumenti y'eggwanga eneekolanga kyonna ekyetaagisa okukakasa nti buli muntu, ye ku bubwe, awamu n'abalala, akuumibwa abalina obuyinza, aleme kutulugunyizibwa, oba okutiisibwatiisibwa, oba okuwoolerwako eggwanga, oba okusosolebwa mu bikolwa oba mu mateeka, oba okunyigirizibwa, oba okumala gakolebwako ekirala kyonna olw'okukozesa eddembe eryogerwako mu Kirangiriro kino, ng'agoberera amateeka.
2. Ekikwatagana n'ekyo buli muntu ku bubwe, era awamu n'abalala, ateeckwa okukuumibwa ennyo amateekag'eggwanga, bw'abangaakozesaamakubo ag'emirembe okuwakanya oba okujeemera emirimu n'ebikolwa, omuli n'okulekayo okukola, ebibalibwa okuba ebya zigavumenti, ebivaamu okutyoboola eddembe ly'obuntu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, ko n'ebikolwa eby'obukambwe ebikolebwka ebibiina by'abantu oba abantu kinnoomu, ebiremesa abantu okwewayagalira mu ddembe era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange.

## Akatundu 13

Buli muntu alina eddembe, ye ku bubwe, era wamu n'abalala, okusaban'okufunaera n'okukozesa obuyambi, nga ekigendererwa kye ekyolwatu kya kutumbula na kukuuma ddembe lya bantu na kwetaaya kwabwe



okw'obwebange, ng'ayita mu makubo ag'emirembe, nga bwe kiri mu katundu akokusatu ak'Ekirangiriko kino.

## Akatundu 14

1. Gavumenti y'Eggwanga erina obuvunaanyizibwa mu makubo ag'okuteeka amateeka, n'ag'okusalanga emisango, n'ag'okutuusa obuweereza ku bantu, oba mu makubo amalala amatuufu, okuyamba abantu baayo bona b'efuga, okutegeera eddembe lyabwe nga bannansi, ne lye balina mu byobufuzi, mu byenfuna, mu by'embera z'abantu, ne mu byobuwangwa.
2. Ebirina okukolebwa, mwe muli:
  - a) Okukubisa n'okubunyisa amateeka n'ebiragiro by'eggwanga era n'ebikulu ebifa ku ddembe ly'abantu ebikozesebwa amawanga amangi ebiyinza okutekebwa mu nkola, abantu banguyirwe okubifuna.
  - b) Mu ngeri ye emu okuwa abantu mu bujjuvu omukisa gw'okufunanga ebiwandiiko by'amawanga amangi ebifa ku ddembe ly'abantu, omuli ne alipoota Gavumenti y'Eggwanga z'ewaayo mu biseera ebigere, eri ebitongole ebyateekebwawo endagaano z'amawanga amangi ku ddembe ly'abantu ze yeetabamu, era n'ebifunzibwa okuva mu biwandiiko by'ebikubaganyizibwako ebirowoozo, ko ne alipoota entongole ez'ebitongole ebyo.



3. Gavumenti y'Eggwanga ejjanga kukakasa era ewagire we kiba kisaanira, okutondawo n'okukulaakulanya ebitongole by'eggwanga ebirala eby'okutumbula n'okukuuma eddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, mu bitundu byayo byonna by'efuga, ebitongole ebyo ka bibe nga biteekeddawo nga obukiiko obukola ku kwemulugunya ku bikwata ku ddembe ly'abantu, oba nga bitongole birala eby'eggwanga.

### Akatundu 15

Gavumenti y'Eggwanga evunaanyizibwa okutumbula n'okuteekawo obwangu bw'okusomesa ku mitendera gyonna egy'obuyigirize, ebifa ku ddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, n'okukakasa nti bona abavunaanyizibwa ku kutendeka Balooya, n'Abakungu abakwasisa amateeka, n'abakulu mu magye era n'abakozi ba Gavumenti, mu ntegeka z'okutendeka abantu abo, bateekamu obutundu obwetaagibwa okusomesa ku ddembe ly'obuntu.

### Akatundu 16

Abantu kinnoomu n'ebibiina ebitali bya Gavumenti, era n'ebitongole ebikwatibwako ensonga eno, birina kinene kye biyinza okuyamba mu kwongera okumanyisa abantu bona ebikwata ku ddembe ly'abantu era n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, nga biyita okugeza, mu byenjigiriza, mu kutendeka ne mu kunoonyereza mu nsonga zino, okwongera okunyweza, naddala, entegeeragana, okugumiikirizigana,



okukuumma emirembe era n'entabagana ey'omukwano wakati w'amawanga, ne wakati w'abantu aba langi n'eddiini zonna, awatali kwerabira embeera z'abantu ez'enjawulo ze bakoleramu emirimu gyabwe.

## Akatundu 17

Mu kukozesa eddembe era n'okwetaaya okw'obwebange ebyogerwako mu Kirangiriro kino, buli muntu, ye ku bubwe era wamu n'abalala, anaakugirwanga ebyo byokka ebibeerawo olw'okuteeka mu nkola ebiragiro by'amawanga amagatte era nga bikakasiddwa tteeka, nga ekigendererwa kyokka, kya kuleetawo kumanya kutuufu, na kussaamu kitiiibwa eddembe awamu n'okwetaaya kw'abalala, na kya kuteekawo bisobzesesa bantu kuba na mpisa nnungi, wabeewo obutebenkevu, n'embeera yaabulijjo ennungi esaanira mu bantu abali awamu.

## Akatundu 18

1. Buli muntu alina emirimu gy'ateekwa okukolera abantu b'abeera nabo era ng'agikolera mu bo, nga mungeri eyo yokka mw'ayinza okwekulaakulanyiza mu ddembe era mu bujuvu.
2. Abantu kinnoomu, n'abali awamu, ebitongole n'ebibiina ebitali bya Gavumenti, balina kinene kye bakola, era balina obuvunaanyizibwa okulabirira enfuga eya demokulasiya, n'okwetaaya kwabwe okw'obwebange, bwe batyo ne batumbula era ne bakulaakulanya ebibiina n'ebitongole ebitambulira ku nkola ya demokulasiya.



3. Abantukinnoomu, n'abantu abaliawamu, ebitongole n'ebibiina ebyobwannakyewa, ddala nabo bakola kinene era balina obuvunaanyizibwa okubaako bye bawaayo nga bwe kisaanira, okutumbula eddembe ly'a buli muntu okuba n'obutebenkevu w'abeera ne mu mawanga amangi eddembe n'okwetaaya ebyogerwako mu Kirangiriro eky'Ensi Yonna eky'Eddembe ly'Abantu, era n'ebirala ebikola ku ddembe, mwe bisobola okufunibwa mu bujjuvu.

## Akatundu 19

Mu Kirangiriro kino, temuli kya kutaputibwa nga ekikkiririza omuntu n'omu oba akabiina k'abantu abamu, oba Gavumenti y'Eggwanga n'emu, okuba n'eddembe okwenyigira mu nkola oba mu kikolwa kyonna ekigenderera okusaanyaawo eddembe n'okwetaaya, ebiteekeddwa mu Kirangiriro kino.

## Akatundu 20

Mu kirangiriro kino, temuli kya kutaputibwa nti kikkiriza Gavumenti z'Amawanga okuwagira n'okutumbula ebikolebwa abantu kinnoomu, n'obubiina bw'abantu kinnakamu, n'ebitongole wadde ebibiina ebitali bya Gavumenti, nga ebikolebwa ebyo, bikontana n'ebiragiyo ebiri mu tteeka erifuga Amawanga Amagatte.